# OKUSIMBA
# *EKKANISA*

## Endagiriro Y’emisomo Egy’etendekero Elyawagulu



GLOBAL ADVANCE

LWAKI TUSIMBA E KKANISA.

A. Emiryango gya geyena tegiriginza (Mat 16:18)
   Matayo 16:18 wano ekigambo Kkanisa wekisokera okulabikako mundagaano empya. Ekigambo kkanisa nga bwekikozesebwa Yesu, kiva mukyoluyonaani Ekklesis, ekitegeeza okuyitibwayo..oba..ekibinja". Mungeri endala, ekkanisa ya Yesu , kyekibinja bantu abayitibwa okuva munsi abo abakkiriza enjiri yamukama waffe Yesu Kristo.

   Yesu atugumya nti amanyi gemagombe tegali muyinza. Sikusimbibwa kwokka naye era amanyi gemagombe galiwangulwa, era ekkanisa ekkanisa terilemerwa, teligwa wadde nga abawereza baffa mumubiri, mukama buli mwaka mukama ayimusa omulembe abayimusa Kkanisa. Okutuusa lweritukiriza ebirubirirwa n'obuteme bwakristo bweyabatuma (Mat 28:18-20).

   Kino kituwa obuvumu nti amanyigetutadde mu mukisimba amakanisa sigabwere!, newankubadde nga tuli wakati muntalo ez'omwoyo era n'obuzibu obwamaanyi, Ebigenderwa byamukama waffe birina okulembera, buli budde tulina okukiriza n'okusubira mubugabirizibwe era n'obukuumi bwetukulembeza mukama waffe.

B. Tusobola okulaba okweyongera kwenjiri oba okutukiriza omulimu gwobutume(Great Commission).
   Okunonyereza kulaga nti kulwokweyonera kwabantu munsi yonna, ekkanisa obukadde butaano bugenda kwetaagisa wakati mumyaka 5-10 gyubuggya. Omuwendo gwabantu munsi yonna babalirilwa kubuwumbi 7. Omwaka 2050, tusubira obungi bwabantu okutuuka ku buwumbi 11. 11billion. Abantu gyebakoma okweyongera nobwetaavu bwekkanisa gyebukoma okweyongera, era n'okufuba okutuuka eri abantu abatanaba kuwulira njiri yamukama waffe.

C. Ekirubibirwa ekikulu ekisingira ddala mumulimu gw'obutume kwekulaba nga buli muntu eyetaaga ekkanisa alina alina ekkanisa. Olwo kino kifuuka ekifo awasinziirwa okusobola okutuuka eri abantu abalala(Bar 15:9). Bar 15:9 atulaga obuvunanyizibwa bwaffe obwokutwala ekkanisa eri abannagwanga. Abanaggwanga kigamba ekiva mu lulimi Oluyonaani ekitegeeza buli muntu nabuli gwanga. Okutuusa nga buli muntu awulidde amawulire gamukama waffe. Ebitabo byonna ebyabannabi bitulaga nti abakkiriza bangi baliba mubannagwanga, era balyetoloola namulondo yamukama.
D. Ekkanisa yetuwa ekifananyi ekilabika ekyeggulu ekiriba mu mwoyo. Obwakaka bwamukama nga bufuga kunsi (Zab 96:3). Ekkanisa eriwo kulwo obufuzi, obuyinza era n'obwakabaka obwa Kristo mubulamu bwaffe obwaleero. Wadde nga tuyita nga mubizibu ebingi n'okutegana okungi ekkanisa erina okulaga ensi okwagala kwa Katonda. Kubanga Katonda katonda ekkanisa ye ajjagala nnyo, wanno ffe nga

abasimbi bamakanisa tulina okukimannyanga nti kanisa yemugole wa Kristo era kino kyekitibwa mwetulina okutwalira ekkanisa.

E. Ekkanisa erina okuba eyawamu, nga eggatta amawanga nabantu abensi zonna. Buli ayatula Yesu Kristo nga yemulokozi we. Nolwensonga eyo bulikika kyabuli muntu alina okuba ne kkanisa (Bar 1:5). Omutume Paulo atulaga mu Bar 1:5 nti twalokoka lwa kisa, netuwebwa ekiragiro, era n'obuvunanyizibwa obw'okwongerayo obwakakbaka bwa Katonda eri amawanga gonna kunsi.

F. Ekkanisa yemugole wa Kristo gwakomawo okunona Okub 19:7-9, 2 Bakolinso 11:2) Yesu alindiridde omugole we okukola ekigendererwa kye Ye, alindiridde okutwala okutwala ekkanisa ettaliko bbala wadde olufunyiro. Era bano bebantu okuva okuva munsi yonna era nemumawanga gonna. Olulimi olukozesebwa mu 2Bak 11:2 lulaga nga alindiridde nessanyu okutwala omugole we. Arindiridde nessanyu okulaba nga kkanisa ettukiridde! Wabula Kristo tayinza kudda okutuusa nga ekkanisa etukiridde. Kale nga bwekiri nti muntu amanyi ssaawa wadde ekiseera(Mat 24:36) nga abakozi abalungi mumakungula ge tulina okusigala nga tukola n'obwesigwa munnimiro.

ENKOLA NEBISEERA EBITUUFU EBY'OKUSIMBA KANISA(PROCESS AND SEASON OF CHURCH PLANTING).

A. Okusimba ekkanisa kutwala emitendera.

Singa osalawo okuwulira n'okutwala eddala okussa munkola eddoboozi ly'okusimba ekkanisa, olina okutegeera byonna, wadde nga emitendera gyo giyinza okubaaba mu ebyawukana mu, kulwenjawukana mubuwangwa, olusi nabantu b'olubirira okutukirira era nengeri gy'osalawo okukikolamu, naye era waliwo ebintu omuntu byatatekeddwa kuusa maaso singa abeera asazeewo okusimba ekkanisa. Era buli muntu asimba ekkanisa kino akyetaga. Singa buli kintu kikolebwa mukwanguyirira kyangu nnyo ekkanisa okuyita mukaseera akazibu nnyo, era oluusi eramererwa. Buli budde tetereera, kirungi nnyo okukiriza okuyita mumitendera era oluusi kiyinza n'okuletera okudamu okusimba empagi obupya(abawereza) ekiyinza okugumira Omuyaga, enkuba Kikungunta ne Musisi, singa omusingi gubanga tegwali munywevu bulungi.

Singa emisingi giba tegisimbiddwa bulungi ekizimbe kijjula enjatika. Eky'okulabirako kino kyamugasonnyo mungeri kiyamba okuyiga okugoberera emitendera gy'okusimba ekkanisa eneyimirira.

Okuyita mukutendekebwa kuno tugenda kuyiga emitendera gy'okusimba kkanisa nga bwegilagibwa mu Ndagaano empya, kino kijja kutuwa enteekateeka ennungamu mu kusimba ekkanisa.

B. Ebikulu munteekateeka y'okusimba ekkanisa.

Mulusoma luno

- Lwaki twetagaaga okusimba amakanisa.

- Tujjawa amaanyi okusimba amakanisa.
- Ebikulu, Okwolesebwa era nengeri y'okusimba amakanisa.
- Entegeka n'enkola ey'okusimba amakanisa.

OKWOLESEBWA, OKUYITIBWA KWA KATONDA, EBINTU EBIKULU ERA ENKOLA NENTEGEKA, ENZIMBA Y'EBIBINJA BYABAWEREZA.

Fuba okulaba nga (abayizzi) abasimbi ba kkanisa bano mukwatagana mubintu bingi, era obafunira obuwera okubasisinkana kino kijja kuyamba okukuba ekifanannyi ekituufu mwebyo byebasubira nti byebituufu, kino kijja kukuyamba ng'omusomesa okupima n'okumanya obanga abayizi balina enkola ennungamu ezilambikibwa ebyawandikibwa era obanga endowooza zabwe zisoboka okussa munkola, mukusimba ekkanisa.

- Okuzimba team zaffe okusobola okugoberera enkola ezilagiddwa mubyawandikibwa.
- Okutukirira eri abantu era n'okuwangula omulabe.
- Okukuza abayigirizwa okusobola okukola omulimu gw'okusimba kkanisa mubitundu byawe.
- Okusobola okutegeera ebiseera ebituufu eby'okusimba kkanisa.

C. OKUMANYA EBISEERA EBITUUFU EBY'OKUSIMBA KKANISA.
Ng'ojeeko okukwata enkola era abayizi balina okuterreza embeera yebwemyoyo era n'okumanya okwefuga obulungi. Okumanya enkola tekulina kukulembera biralala byonna, balina okumannya okusaba era n'okutambu;ira obulungi.

Ebiseera by'okusimba kkanisa byawukana, asimba kkanisa kulusozi tagenda mukiseera kyekimu nasimba kkanisa mukiwonvu.
Abayizi bo balina okusooka okuyiga Okwolesebwa obulungi, olwonebagenda ku kusimba kkanisa, olwo nebayiga enkola ezikozesbwa. Naye era kulugoodo kubaako era ebizibu ebisinganibwa. Mungeri eno, ensonga enkulu sikizibu naye engeri gy'okwatamu ebizibu byo yensonga enkulu naye engeri gyobyanganga. Kirungi nnyo omuntu bwalondawo okugumira ebizibu, era olwekisa kyakatonda ojjakuwangula, singa omuntu yenna yesanga nga aggudde mukaseera akazibu, omulabe asobola okukola kyonna, okukumalawo singa kino kituukako, fuba mubwangu ddala okulaba nga gwe nab'omumaka go bonna obateeka mumaaso gamukama Katonda okubawonnya, era k'okubagumya, n'okubazzaawo.

D. Okutegeera obulungi ebiseera by'okusimba kkanisa.
Wadde nga abasimbi bamakkanisa bangi batandika n'amaanyi mangi nnyo, muli ngabamanyi nti bajakuwangula, era nga olugendo munfanana lulinga lwesingira ddala zonna zebaali batambudde, mumwezi omukaaga egisooka, kirabikira ddala omuwereza agya kusanga obuzibu era mukiseera kina agwira ddala mubuzibu obungi ddala.

Okusobola okuyita mukiseera kino obulungi kirungi nnyo okumanya ekiseera mwokoklera. Ebizibu bisobola okuba ebyakasoobo oba oby'okumukumu. Mungeri yemu omusimbi wekkanisa asobola okuyita mubizibu eby'omujirano, okutegeera kino kikulunnyo, kulw'okusobola okuyimira. Singa ekiseera nga kino kiba kikutuuseeko wezzeemu amaanyi ne Omubulizi 3:1-8, era wejjukizenga nga nti buli kintu kirina ekiseera kyakyo.

7.

III. OKUNNYOLA KKANISA NE BIGENDERERWA BWAYO.

G. Ekkanisa bantu abakkiriza abakungana kulwokusinja era n'okuyimusa erinnya lya Yesu, okusaba, era n'okwongera okumannya mission ya Yesu kristo. Ekigambo "Church" ekyolungereza kirina amakulu okuva mu "ekklesia," eky'olwebulaniya, kirina amakulu ga mugendo gw'Abantu. Abayitiddwa okuvaayo (Mat 21:13, Zab 150:1-6).

Yesu yasomesa nti ekkanisa eneberanga nnyumba ya kusaba, wadde nga makanisa galina entegeka endala nnyingi nnyo, ensonga enkulu ekungaanya abantu kusaba, okusinza era n'okuzimba enkolaga yabakiriza nekatonda. Zabbuli 150:1-6, etulaga engeri okukangaana bwekwandibadde, Okutendereza, okuwa katonda ekitibwa, nga byonna byamugaso ate kyenkanyi. Abakiriza bayinza okuggwaamu amaanyi, okusinza n'okuyimusa katonda bibayamba nnyo okudamu amaanyi.

B. Yesu yemutwe gwe kkanisa, ate ekkanisa gwe mubiri gwa kristo Abef 1:22-23) Ekigendererwa kya kkanisa byonna birina kulemberwa Yesu. Wadde yesu akulonze okukola omulimu omulungi ogw'okusimba ekkanisa, Yesu asigala nga yemukulu owekkanisa eyo, yemutandisi era omumaliriza, Yemwene yalagirira, akukumakuma, agabirira era yaleeta abantu, tokirizanga malala kuyingira mutima gwo.

Fuba okwejukizanga nti kristo gwemutwe gwekkanisa, era okitegeere nti gwe olimuwanika owe ntegeka za mukama. Mukisa munene nnyo mukama okutwesigisa ebintu bye naye era tufuna okuyambibwa wamu n'omutwe Yesu, nga bwetuba twetaaze.

1. C. Omubiri gwa Kristo kyekibiina kyabantu abakiriza mu Yesu krist okuva kuluna lwa pentekoti, Mubikolwa bya batume 2. Okutuusa yesu lwalida. Omubiri gwa kristo gulina ebintu bino bibiri.
2. Ekkanisa eyawamu erimu abantu bonna abalina enkolaga neyesu kristo (1 cor 12:13)

   Olwaleero ensi erina amadaala kweteeka abantu baayo mungeri essossola, naye kino sibwekiri mukkanisa. Abantu bonna abalina enkolagana ne kristo bammemba ba mubiri gumu omubiri gwa kristo. Eyasoma natasoma, omwavu n'omugagga, omuto n'omukadde—Katonda tasosola bantu tayawula bantu nga yesigama kubino.Katonda anoonya omutima ogumwewadde.
3. Ekkanisa y'okukyala enyonnyolwa bulungi mu Bag 1:1-2 "Paul omutume wa kristo…era nab'oluganda bonna abali nage wano eri ekanisa zonna eziri mu

galatiya"…wano tulaba nga ekkanisa nnyingi nnyo eziri mu Galatiya. Zino zeziyitbwa ekkanisa ezisooka(local church).
Ng'omusimbi we kkanisa mukama akulonze okuba omubaka we kyalo kyo eyogy'oviira, naye era osigala okyali kitundu ku mubiri gwa kristo, era okyavunanyizibwa okuzimba era n'okukolera mukama waffe. Abantu bonna mukkanisa wadde yamukyalo eyo, bonna bantu bamugaso ate nnyo.

E. Kiki Kkanisa kyetali.
   1. Ekizimbe.
   2. Ekibiina(Denomination).
   3. Kibanja.
   4. Abusiness.
   5. Ekifo kyamasanyu.
   6. Ekifo ekikunganirwamu.

Wadde nga ebizimbe biyamba nnyo, ettaka era nebintu bingi ebikozesebwa, okukungaana n'okukolera awamu nga kkanisa, bino byonna tebirina kutwala linnya lya kkanisa, wabula kkanisa enasigala nga kyekibinja kyabantu abakungaana okusinza, okusaba okuyiga ekigambo kyakatonda era n'okukola missions.

Ng'omukulembeze alina okwolesebwa bunanyizibwa bwo okulaba nga ekkanisa ekulembeza ebintu ebyamakulu muntegeka zaayo, ate era n'okulaba nga ebintu ebiralala byonna ebitalina mugaso nga ekkanisa ebirekera ddala wala. Omwoyo wamukama leero atuula mu bantu, takyatuula mubizimbe nga bwegwalinga mundagaano enkadde.

IV. AMAANYI AKOLA KKANISA GAVAAWA.

Omuntu okufuna amaanyi asimba kkanisa alina okuba nga addamu eri okuyitibwa kwa Katonda.

1. Lino lyeddala erisooka. Katonda asooka nakuwa omukisa okulaba n'okumannya ebyobyayagala okukola, kisobola okuba mukwolesebwa, oba mukyawandikibwa, ekirooto, obubaka okuva eri omuntu omulala, ekigambo eky'obunnabbi, oba okuwulira omugugu omuzito kumutima, okwagala okubaako abantu botuukako nekigamba kya Katonda.
   Bik 13, 16:9-10).
   Abasimbi bamakanisa bangi bawulira okuva eri Katonda naye oluvanyuma nebava kumulamwa, abamu basimba ekkanisa olwebigenderwa eby'omululu, nga benoonyeza ebyabwe, amakanisa agamu gatandika nga mukama katonda yakulembede, naye olunnyuma lwa byoona gavugibwa obugagga bwebaba bafunnye, kino osobola okukimanyira ku bino wamanga.
   1. Okulembeza nnyo ebintu byemutuuseeko.
   2. Okwatwalibwa nnyo mu bobonero bwa malala, nobugagga.
   3. Obwesigwa okugwira ddala
   4. Okusinda okusikagana n'okulwanaga(2 Bak 10:12)

5. Okwefuula atalina biseera buli kiseera Luk 10:12.
6. Asobola okuwaayo enkolagana kulwo omulimu gwonna okukolebwa.

B. singa okwolesebwa oba okuyitibwa okusimba kkanisa kuba tekwaava eri Katonda, watekwa okubaawo okulemerwa, Olwalero kitegeere nti okuyitibwa kwaffe, tekukoma kuba nsonga nnungi bulungi, naye kwamugaso nnyo Zab 127:1)

Okuyitibwa kutwala okulemberwa omwoyo, naye okuvugibwa kwokwamubiri..

Okuyitibwa kukolebwa mwoyo mutukuvu, naye okuvugibwa kwo kwa mubiri.

Okwolesebwa, okuyitibwa n'okwagala okusimba kkanisa, byonna birina okusimba emirandira mu

A. Emigaso gy'okumanyu okuyitibwa kwo.
   1. Okusigala ng'otunulide eyakuyita era n'ekigenderwa. Era nga akolera awamu n'omwoyo omutukuvu, omwoyo omutukuvu atuwa amaanyi okumaliriza byonna byeyakuyita okukola, mukwolesebwa. Okukola omulimu gwakatoda wekka kikolwa eky'okwetuma, okweyawula. Bwetugattako, kikola ekyamalara era n'obwannakyemalira. Abantu abakolera awamu nemwoyo mutukuvu bo banguwa okukwatagana amangu n'omwoyo omutukuvu. Tebalina mululu era tebekulembeza nnyo mumulimu gyonna egiba gikoleddwa Katonda n'omwoyo omutukuvu.
   2. Omukisa okuva eri Katonda n'obugabirizi.Abaf 1:3-6),
      Abamu bagamba "singa mukama singa yakukulembera, agabirira, era abalala bagamba Katonda asasulira buli kyalagira" Bino byonna bitulaga obwesigwa bwa Katonda, era n'obugabirizi bwa Katonda. Erinnya lya mukama Yakuwa Jayire, mu Mulubererye 22:14, amakulu galyo, Mukama Katonda alaba..Mukama alaba buli kintu, Obugabirizi bwa mukama buli eri oyo atambulirira mu kugondera mukama Katonda.
   3. Okukiriza n'okukumibwa okuyita mukugezesebwa Abeb 12:1-3, 2 Basse 3:5, Yak 1:2-4).
      Buli bwetuyiga okwefuga mubuli kyetukola era netulwanyisa okukekemebwa kwonna obutayoona, kino kiyinza okulemesa okuyitamu kwaffe. Ngatukyali balamu munsi muno, tugenda kulwanaga nekibi eky'okuwulira nga tetulina maaanyi buli budde.  Okuwulira omusango buli budde mubulamu bwaffe, Tulina okujukira nti okulemererwa si yenkomerero y'okubala ebibala.Kristo amanyi bulungi nnyo obumafu bwaffe bwonna era muye tufuna okusasirwa kwonna buli lunaku...Abeb 4:14-16, Okukungubags 3:22-23). Singa tutegeera era twenennya ebibi byaffe era nobunafu obwabuli kika. Katonda mwesigwa ,  Yasubiza okuwonnya, okutukuza era n'okutuzza obujja..(1 Yok 1:9).
      Paulo Yawandiika bwati..Temukoowanga okukola obulungi, kubanga tugenda kukungula singa tetugweemu maanyi" Bag 6:9). Tofaayo kubukalubo bwambeera gy'oyitamu, guma okulaba nga tova mukukiriza, Mukama wetegefu okukuuma

paka kunkomerero. Fuba okuguminkiriza, nga amaaso ogatadde kukristo, buli olukya nga omannyi okugesebwa pkugesebwa kuleeta okuguminkiriza, era okuguminkiriza kujja kuleetera gwe n'obuwereezabwo okubeera abajulizi b'okukiriza.

B. Okutwala eddaala okutukiriza okuyitibwa n'okwolesebwa okusimba Kanisa.
   1. Katonda asobola okuyita okuba omusimbi wa kannisa nebwoba nga gwe omutima tegwangalangako kusimba Kkanisa.
      a. Musa mukama yamuyita bweyalaba ekisaka nga kyaka.
      b. Gidion bamusanga mugguuliiro lyengano.
      c. Yona yayitibwa okugenda e Ninevi okulangirira okwenenya. Naye ye Yona yaduka okuva mu mumaaso gamukama.
      d. Okugonda kusingira okuwaayo sadaaka(1 Sam 15:20-26)
   2. Saba okufuna amagezi era n'okufa okwolesebwa obulungi mu bibuuzo okuva eri mukama waffe Yak 1:5,6b).
      a. Mukama mwebuzeeko obanga dala yakusindika okusimba Kkanisa.
      b. Mukama musabe okulaga ekifo ekirungi mwakusindika okusimba Kkanisa.
      c. Mukama mubuuze ekiseera ekitufuufu.
      d. Mukama mubuuze ayagala okikole di.

   Katonda tafaayo kubibuuzo byo byonna, era tafaayo ku bwonadamu byonna, emirindu mingi turemwa okubuuza mukama ebibuuzo ebituufu, emirundi mingi kkyetuva tulemwa okutambulira kumulamwa. Era n'okugoberera okuyitibwa kwaffe. Lumu Mukama yasindika Paulo e Makedoniya naye era kino kya munteekateeka okugenda eMakedoniya. Kino mukama yakikakasa bukakasa nti enteekateeka zaPaulo  mukama yazirimu. Olwokulungamizibwa kwamwoyo mutukuvu, waliwo omusajja nga mwetegefu okugenda okukola omulimu gwa mukama. Era olwava eyo yagenda okukyalira omusajja ayitibwa Koloneriyo. Mukulungamizibwa kwa mwayo mutukuvu, waliwo omusajja nga mwetegefe okugondera enjiri, era nga yali anoonya okulungamizibwa okuva eri Katonda, era namagezi era eno nsonga nkulu nnyo.

   3. Noonya okuwabulwa okuva eri mukamaera n'okuva eri abasajja bakatonda, kiringi okufuna okuwabulwa okuva eri abantu nga bana oba basatu.(Engero 11:14).
      a. Fuba okulaba abantu bewebuuzako, baali basimbye ku Kkanisa, era baludde mukukulembera ekkanisa.
      b. Babuze bakubulira awali obunafu bwo era nekyebayinza okuyita amaanyi go. Naddala singa onaaba onasimba kkanisa. okufuna amagezi n'okuwabulwa kikuyamba obutalumwa nnyo mutwe, era kino kijja kuyamba obutalumwa mutwe, Fubanga okuwuliriza naye buli magegi agakuwebwa olina okugekenneenya era n'okusaba nga nnyo (Yak. 1:19). Wadde nga abamu bayinza okusonga ku bunafu bwo, oba amaanyi go, olina okusigala nga oli mugonvu era nga owulririza. Leka okusunguwala singa okuwabulwa oba

tokwagadde. Naye fuba okulaba nga mukuyita mukusaba ogonda era amagezi agakuweddwa ogatwala, era osabe nnyo mukama okukuwa okubikkulirwa n'okukasa nti ddala amagezi ago gavudde eri Katonda.

4. Saba n'okusiiba, nga ogannya Katonda okuyingira mungeri gyolina okusalawo kwo. (Bik 13).
    a. Saba omwoyo omutukuvu okwogera naawe(Yok 14:26a).
    b. Totandika kintu kyonna mukufuba kwo!.

    Okusaba kuno kulinga kwesaddaka, era kuvaamu ebibala ebirungi,era nga byamaanyi nnyo.Ezra 8:21-23, Isaaya 58:6) Okuviira ddala mubiseera ebyendagaano enkadde okusaba okwokusiiba kwaberanga kwa kwenennya saako okukyusa enneyisa y'abantu era kwavaanga mu ebibala ebyamaanyi ennyo. Musa yasiibanga ennanku bwezaberanga entono makumi anna, Yesu yasiiba enaku anna, era yajukiza abagoberezi be okusiibanga. Daudi yasiiba era nga yettoowaza mumaaso ga mukama Katonda. Mukusaba n'okusiiba. Abakiriza tubazaamu amaanyi okusibanga olwo lwebajja okufuna okubotola amangu mukusaba n'okusiiba..Enkolagana yabwe nekatonda enywezebwa, enkolagana ne Kristo nayo enywezebwa. Okusiiba kuleeta okuda obujja era wabaawo enkolagana essingira ddala eyabulijjo, singa omuntu yenyweza mu mukatonda nga ayise mukusaba.

    Okusaba n'okusiiba kwamugaso nnyo singa wabaawo olutalo lw'omwoyo lwonna oba muntandikwa y'okwetegekera okusimba kkanisa oba mumasekkati eyo agolugendo. Buli lwowulira nga otuuse kulusozi oluzibu okulinnya fuba okulaba nga odda mukusiiba, wano mukama ajja kuleeta obubomola mubwangu.

5. Fuba okulaba ng'omulimu gwo gusimbiddwa ekkanisa yo mwova.
    a. Poulo ne Barunabba mukama yabayita, era bafuna okukakasa kw'okuyitibwa kwabwe.
    b. Okuwereza mukanisa ennungi kuyamba omuntu okukasa okuyitibwa kwe mubwangu, era nokusindikibwa obulungi n'essaala.

    Bwonga leero waliwo ekkanisa mwowereza, fuba okulaba nga ogondera obuweereza bwabakulembeze bo, kuba okulaba nga bakukasa, okusinga okulaba ng'omuyekera ayagala okumennyamu ekkanisa.

6. Ngojjeeko okusaba Katonda, subira okufuna eddeme ery'omutima, ng'obukakafu obw'okuyitibwa kwo.
    a. Oluvanyuma lw'okuyita mubintu bingi omusumba atandika okufa eddembe, kino kikakasa okuyitibwa kwe nga kwakatonda yennyini. Abaf 4:6-7). Kimanyiddwa nti omuwuleza yenna bwalaba nga omulimu gutandika okulungiwa wabaawo okukyamukirira, wadde nga guligutyo, Katonda ajja kukuwa eddembe, eno nteekateeka yamukama okusobola okukuwa amaanyo. Emirembe n'obumu birina okufugira mumutima gwo, nemitima gyabafumbo, Mukama Katonda obumu abasasula mu eddembe, abantu bonna abali

obumu, mukama abawadde eddembe. Abafumbo singa tebaba mubumu, tekiba kyangu okusobola okufuna eddembe mubutuufu bwalyo.

7. Katonda tayogera namuntu yenna nekigendererwa eky'okutabulatabula oba okusunguwaza, newankubadde nga omuntu ayinza okusangibwa nga atabuddwa singa mukama ayogera naye kusaawa eyo afunira eddembe.Abef 1:17-18, Luk 10:21). Okulungamizibwa okuva eri Katonda kuletta omulimu okukolebwa mubwangu, okulungamizibwa ka Katonda akukola mungeri ennyangu era kubeera kwangu okutegeera era n'okussa munkola.

EBIKULU, OKWOLESEBWA N'ENGERI EY'OKUYIMIRIZAMU KANISA YO.

A. Ebikulu(Values) bino bwebintu ebirina okukulembera mu, mungeri obuwereza gyebulina okuyimirira mu. Ebintu ebiyamba okutembekeza obuwereza era ne kkanisa yo. Values byebintu byolowooza nti byebisinga omugaso mubulamu era bitunulira ensonga ez'obuwereeza zokka, era nebintu ebikulu ennyo mukanisa. Values ziyamba okupimira omutindo kwoyinza okupira wotuuse mukutukiriza okuyitibwakwo. Singa obulamu bwo butambula nga munkwataga ne values zo, owulira eddembe n'okutembenkera mubulamu bwo. Naye singa biba tebiteredde, obulamu bubaamu okwagwaamu amaanyi, n'obutaba nassanyu.
   1. Saba Katonda okukulaga ebintu ebiri okumpi n'omutima gwe kulwa Kkanisa yo (Zab 127:1).
   2. Mukama ajjakubikkulira okwelesebwakwe era n'omutima gwe eri ekkanisa yo. Kikulunnyo okutunula mu values zino era n'olaba mu ebisinga obukulu.
   3. Okubulira enjiri, okunyweza emikwano, okubulira, era nebikolwa eby'ekisa.
   4. Okunyonnyola obulungi ekigambo kyakatonda, byebimu kubintu ebiyamba.
   5. Obuwereza tebulina kusosola mawanga.
   6. Okubeera omuyiiya.
   7. Bwekiba kisobose ebifananyi.
   8. Ebibinja(small group).
   9. Okwetaba mubintu ntegeka z'ekitundu.
   10. Okusimba amakanisa amapya.
   11. Okugendako mu buwereza obwebweru.
   12. Okukulera awamu n'obuwereza obulala.
   13. Ennyimba ezitambulira kubuwangwa bwabantu, naddala.
   14. Okukolera awamu(Team ministry).
   15. Okwagala okolagana nabantu.
   16. Okusaamu obuwangwa ekitibwa.
   17. Omwoyo omutukuvu okuzzaamu amaanyi.

18. Okulabirira bamemba.
19. Okutandika wo ebifo eby'okusabiramu.
20. Okutambula n'omulembe.
21. --------Nebirala------------.

Bwotunulako kubintu ebiwandiddwa waggulu, kyangu nnyo okulondamu ebintu ebisinga okuba eby'omugaso era ebinakuyamba okugenda mumaaso mubwangu, ngwe ng'omuwereza ate nekkanisa yo. Values byebintu ebiraga omutima gwo bwegulowooza.

4. Values zirina okusaamu amaanyi mukwolesebwakwo. Singa oba nga okubulira ngiri kyentu kyekintu ky'okulembeza, otekwa okuba nga olina okwolesebwa kwa kutuuka eri ebintu bingi nnyo nenjiri yamukama waffe. Singa osinga kwagala kusimba makanisa era kino kijja kutukirira. Singa oba asinga kwagala kukilera mu small group, era ojja kusaawo small groups eziwera, okusimba makanisa go kwonna kujja kuba nga kuyita mu bubinja obutono.

B. Enteekateeka y'okwolesebwa kyeki?(Vision Statement).
   1. Entegeka yebisera byonna eby'omumaaso naddala engeri gyogenda okusimba mu amakanisa.
   2. Engeri gy'oyagala ekkanisa yo okubaamu era neky'oyagala ebeere.
   3. Statement ey'obwesigwabwo eri Katonda.
   4. Ekintu ekisanyusa Katonda. (Abebulaniya 11:1-2, 6).

C. Engeri y'okuwandiika vision Statement.
   1. Kiki kyokiriza Katonda okukola nga osimba ekkanisa.
   2. Osuubira Mukama Katonda agenda kukukola atya.
   3. Vision Statement ettekwa okujjayo obulungi omutima gwo.
   4. Giwandiike mubigambo bimpi.
   5. Wandiika sentensi bbiri oba ssatu.

D. Okusawo engeri obuwereza bwo gyebunatambula mu.
   1. Wetegereze obuwangwa n'enkula bantu bogenda okuweerezaamu.
   2. Bizibu ebiri mubantu abo bowerezaamu. Sooka okumanya ebizibu eby'omuntu Kanisa you byegenda okuweereamu. Okumanya ebizibu eby'omuntu olina okussoka okubuuza ebibuuzo nga bino wamanga.
      - Embeera ez'omwoyo gwo zirizitya?.
      - Ebintu byo bitambula bitya?
      - Kiki ky'oyitamu mubulamu bwo akaseera ako.
      - Biki ebikulemesa ob ebiziyiza.
      - Bintu ki ebikulu ebikutunulidde mukiseera ekyo.
      - Wa woyinzaokusanga okubomola n'obuwanguzi
      - Embeera z'Amaka ziri zitya?

Ebibuuzo bino bisobola okuyamba okutegeera embeera z'obulamu bwo era n'embeera y'obuwereza bwo, okwekebera kukuyamba okumanya awali ekituli mubulamu bwo era

wano osaba mangu omwoyo omutukuvu okukuyamba. Obutasooka kwekebera munda kiyinza okuletera okusimba ekkanisa etesobore kuba yamugaso oba okulemererwa ddala.

Eky'okubiri olina okukebera ddaala n'obulamu obw'okungulu. Manya ebintu ebikulu mukindu ekyo mwoyogala okusimba ekkanisa, singa okizuula nga waliwo ebintu ebikulu ebyetaaga okusooka okukola wano kikuyamba okufuna enkola ennyangu esobola okuyitamu okuwereeza abantu bo.

Okutegeera Obulamu bwabantu obwabulijjo ojjakwebuuza ebibuuzo nga bino.

- Embeera y'obuwangwa bwabantu bano eri etya?..
- Bintu ki ebikolebwa mu Kkanisa nga bikosa oba okukontana n'obuwangwa bwamwe?.
- Biki ebikolebwa mu kitundu nga bikosa oba kukonta ne Kkanisa?.
- Bizibu ki ebisinga okunyigiriza abantu.?
- Abantu bakola ki okumalawo ebizibu bino?.
- Kiyinza kufanana kitya singa eggulu lisalawo okukyalira ekyalo kyamwe naye nga lyeyambisizza ekkanisa yo?

Ebibuuzo bino byonna bijja kuyamba okumanya embeera zabantu mukitundu kyo, era n'okumanyira ddaala abantu engeri gyebasanga mu obulamu. Era n'okumanya obwetaavu obusinga okuba mukitundu. Era n'okusimba enkolagana wakati wa kkanisa era n'ekitundu. Olutindo lw'enkolagana oluyunga emitima n'ebilowoozo byabantu, singa omuntu asalawo okweyunga obulungi, asobola okwatagana, okutuusa amawulire ate n'okuwereza obulungi gyebali.

Eddakiika 20-30 abayizi bazikozese okuwandiika Vision Statements.

Funayo abayizi abenjawulo okugabana nekibiina ku Vision Statement zaabwe. Kano kaseera kalungi nnyo buli muyizi okusobola okuyigira kumunne, singa omu kubayizi abanga teyasobodde okuyigira mukibiina wano asobola okuyiga nga ava munne.

Maliriza ekitundu ekyo nga obawa notes ezisembayo, era zezino wammanga, kino kiwe ekiseera kya Dakiika 15 nga osomesa).

E. Muyite mubyemusomye munoonye ensobi weziyinza okuba nga zivudde, kino tukiyita okuwa embalirira.
    1. Omukulembeze kikulunnyo okumanyisa abantu values, okwolesebwa era nenkola oba engeri gy'olwooza mu obuwereza okutambula mu, era nebawereza banno.
    2. Musobola okutuula nemukebera kina kimu nemumanaya omugaso era era nebigenderwa ebyabuli value,n'okwongeramu ebirungo obulungi, era n'okusabira awamu kulwentekaateeka zamwe. Okuba ennambulukufu ate nekatonda okubawa okubikkulirwa mubuvunanyizibwa.

3. Okwongera okutereezamu Values zammwe, Okwolesebwa, era nemungeri obuwereza bwebuyinza okutambulamu. Okufana okuwabulwa okuva eri abantu abamagezi.
    a. Okufuna okuwabulwa okuva eri abantu abailina obumanyirivu mubuwereza kiyamba okutaasa ebiseera, amaanyi era n'ebikozesebwa.
    b. Okubaganya ebirowoozo n'abalala kikuyamba okutegeera abantu era n'enkulayabwe.
    c. Okunoonya okuwabula kwakaonda kuyamba okukulembeza ebintu ebikulu nga bwotambuza omulimu gwakatonda, era n'okuleka ebintu ebiralala ebiyinza obutaba byamugaso.
    d. Singa kiba kyatagisizza oyinza okukyusakyusa mu values,era nemukwolesebwa nga bwekuba kulambikiddwa nga okusimba kkanisa bwekunaaba.

VI.ENTEGEKA N' ENKOLA.

A. Okukola entegeka, n'okusalawo ebirubirirwa nkola yabwakatonda nnyo nnyini.
   Okutegeka era n'okuteekateeka ebirubirirwa, eno nkola eyokutegeera era n'okutukiriza enkola olwo'sobole okutambulira awamu n'okwolesebwa kwo, munteekateeka zakatonda, era nemubirubirirwa bye Eng 29:18. Wano Batulaga nti awatali kwolesebwa abantu babula.
    1. Okwolesebwa kutegeeza okubikulirwa kwakatonda kunteekateeka ze.
    2. Okubula wano kitegeeza okubulwa ekkubo oba amagenda.
        a. Katonda alina entegeka eri buli kitonde (Isa 37:26)
        b. Katonda lina entegekka eri buli muntu sekinnomu(Yer 29:11).
        c. Mukama katonda atulaga mubyawandikibwa nga ye katonda owenteekanteeka.
            - Musa Mukama yamuga okugaba obuvunanyizibwa. (okuv 18:1-27).
            - Yoswa mukama yalagirira engeri gyebali bagenda okuwangulamu Yeriko (Yos 6).
            - Nekemeya yakuba plani, era nagizimba bweyali azimba ebisenge bya Yerusalemi.
            - Yesu kristo yatulaga entegeka y'okulonda abayigirizwa, okubatendeka era n'okubasindika (Bik 1:8).
            - Paulo yalina entegeka yakugenda mubitundu ebitatukangamu muntu Bar 15:20).

B. Abantu bangi balina okwolesebwa naye batono abakuba plan okusobola okutukiriza okwolesebwa kwabwe mukama kwaba abawadde. Omuntu yenna anasimba Kkanisa alina okutwala akaseera okunoonya okwagala kwakatonda era n'okuwandiika entegekka ennungi(Yak 4:14-15).
   1. Tunulira obulamu bwa Yusufu, mungeri mukama gyeyamusimba mu, okuyita mukubonabona, mukama namuyigiriza okutegeka ebintu era n'okukola entegegeka.
   2. Yusufu yayiga okukwatanga ensonga ez'obukulembeze ate era yafunanga ekiseera kyo'kuwereza eri ab'omumakage, naddala mukiseera ensi yonna bweyali nga egwiriddwa enjala okumala akaseera akenyaala.
   3. Okula entegeka ennungi yali ngeri mukama mweyayisa obugabirizi, mungeri yakyamagero nafuuka omukisa eri eggwanga lya Misiri n'ensi yonna.

C. Entegeka erina okuba ennambulukufu, nga ewandikiddwa mungeri mwesobolera okulabibwa oba tugenda maaso oba nedda.
   1. Entegeka erina okuba nga erina emirimu egiragiddwa/ebituntu ebisobola okukolwa(actions).
   2. Buli mulimu gulina okuba nga gulina ebintu ebivaamu nga birungi, bisikiriza.
   3. Buli mulimu gulina okuba n'obusobozi obusobola okulabika mumuwendo oba biseera.
   4. Olina okukozesa Kalenda, kino kikuyambe okugoberera obulungi olugendo n'okumanya w'otuuse mukugenda maaso.
   5. Tegeka okujjaguza buli lw'oba otuuse kubuwanguzi, kubuli mutendera mukama gwaba akutusizzaako.
   6. Olina okimanya nti amaanyi goteeka mumulimu gayinza obutafaanana nabivaamu.
      a. Ebivaamu(outcome) kino kitegeeza ebiva mu mulimu gwonna oguba gukoleddwa, oba entegeka yonna.
      b. Ebitekeddwaamu(output) bino byebiva mumaanyi oba amagezi omuntu oba ekintu gekiba kikozesezza.
      c. Ebivaamu biyamba okukyuka, bisobola okulabika mungeri nnyinyi nnyo ez'enjawulo. Naye byo ebitekebwaamu birabikira mumiwendo era bangi tebatunulira mutindo wabula batulira muwendo.
      d. Singa omuntu essira alissa bivaamu, kino kijja kuvaamu obulamu, okukyususibwa era n'okula mumuwendo.
      e. Okutunulira ebinavaamu, kuyinza kutuwa amawulire okwongera maanyi mubitundu ebinafu ate era n'okwongera amaanyi wegatali.

D. Entegeka yo erina okuba emalayo bulingi obusobozi bwo(Eng 29:18).
   1. Abakulembeze abalungi balina bakola entegeka era nebazikolerako.(Eng 16:3, zab 90:12).
   2. Omwoyo omutukuvu ajjakulungamya muntegeka yo..(Zab 20:4) 16:9).
   3. Obusobozi bw'omuntu buvaayo singa okuyayaana kwe kusisinkana ne ntegeka ya Katonda.
   4. Okutukiriza ekintu kyonna era n'okulaba obuwanguzi bwonna, kwongera amaanyi munteekateeka era nemukutukiriza entegeka era nenkola.
   5. Obusobozi bweyongera buli lwokola n'ekibiina mu kukolera awamu, naddala nga mwagala okutukiriza okw'olesebwa.

ONFUGA YAKKANISA N'OBULEMBEZE. (Okusomesa kwa 45min).

Mubyawandikibwa ekkanisa ennyonnyola mungeri ezenjawulo nnyingi. Tulaba nga e kkanisa eyawansi eno, kintu ekiramu, mungeri nga omubiri gwa kristo. Era tulaba nga ekkanisa nga enteekateeka eyalekebwawo kristo, etambulira ku biragiro ye yennyini byeyaleka okuyita mubyawandikibwa. Nga ekitongole oba entegeka ekulemberwa omwoyo omutukuvu, mukama asaawo obukulembeze okusobola okulabirira okukula nokweyongerayo kwayo(Kanisa), okukulakulana, okungaana era n'obulamu bwayo. Okuviira ddala mubyafaayo, obukulembeza bwabika bisatu buzze nga bulabibwa mukulembera kkanisa ne mubitongole bya bakristayo munsi yonna.

A. OBKULEMBEZE OBWA SEKINOOMU(Solitary Leadership).

Obukulembeze obwekika kino bulina emirandira okuva muby'obufuzi bw'Abarooma, amaanyi n'obunafu bwabwe bwonna. Kino kikakafu olwengeri abakulembeze abasooka gyebawandiikangamu..(church fathers). Obwasekkinoomu buno mubukulembeze bwava kubakulembeze(Emporers) abalinanga obwanakyemalira eri buli kintu, eri Babishopu, abakadde, abasumba, era nga bebasembayo wadde wadde kunsonga nga zamwoyo, nga bebalabirira buli muntu era badinkoni, ne memba ba Kkanisa. Abakatoliki besinga okuba abasaale mubukulembeze buno, wadde nga obulembeze buno tebulina kalungi kebuyambwe kkanisa.

B. OBWEKIBIINA(congregational church leadership).

Jebakomye okusimba essira kubwakabona okuba eri buli muntu yenna akiriza Yesu, Obukulembeze obwekibiina olwaleero bwebufumbekkedde ne mukkanisa eyAbanglican. Obukulembeze buno ojja kubusanga okusingira ddaala mu kkanisa ya Baptist, bano bakumyennyo ekitibwa ne..Yafeesi eya bakadde. Abadinkoni n'Abasumba abo baba ba balabirizi bamirimu. Amaanyi ga kanisa gonna ogasanga mu kibiina kya bakiriza, ekibiina kirina obuyinza okulonda n'okusalawo kunsasaanya yensimbi, okukyusa n'okutegeka

entegeka ya kkanisa, okulonda obukulemeze bwakkanisa, Balina omukisa okugaana oba okukiriza kunsonga yonna, kinno ye muzadde wenguzi effumbekkedde, mu makanisa gano, n’obunnyogovu obungi ennyo.

C. ABAKADDE(Elderly church leadership).

Engeri endala ey’obulembeze, yeyabakadde, bano bayambibwaako abadinkoni, wano ekkibiina tekima bankizo yamaanyi nnyo mumirimu gyakkanisa, naye abo bokka ababa abalina ebigwanyizo okusinzira kubyawandikibwa, bebakola buli mulimu. Wadde nga obukulembeze obwekika kino buyinza okuleeta okwawukanamu, naye buyamba nnyo mukuleta wo obulambuluku naddala mukubalirira ensimbi nebintu bya kkanisa.

Singa twetegereza ebika by’obukelembeze naffe tuyambibwa okutekawo enfuga nempereza ennungi mumakkanisa gaffe, kino tulina okukikola mukusaba.

Wano tulanawo akalimu..(Group activity)…

Twala akaseera okulowooza kukika ky’obulembeze bwolina mukkanisa yo. Mukanis gy’obadde. Wandiika ebintu birungi byojukira, ate era wandiika ebintu by’ojukira ebiyinza okuba nga tebibadde birungi oba ebibadde bikontana nebyawandikibwa.

D. Ensonga ssatu ezamaanyi lwaki twetaaga obukulembeze mu kkanisa.

- Kitunnweza okubanga tutambulira kunjigiriza ya bayibuli.
- Kireeta obumu mu mumwoyo.
- Kireta obukulembeze okuba obwamaanyi ate n’okuba nembalirira.

Singa tuba bakufuna obukulembeze obulungi ebibuuzo bino birina okutunulirwa/ okwebuzibwa.

- Kikoleka?(practicle).
- Kibaddewo ko mubuwangwa?
- Kibaddewo ko mubyafaayo?
- Kyesigika?
- Kitegerekeka mubuwangwa?

. Kikulu nnyo okulaba ngaobukulembeze bwakkanisa bukwatagana n’obwo bwetulaba mundagaano empya, wadde nga kino kiyinza obutaba kyangu olwenjawulo eriwo mubitundi mwetuwerereza, waliwo n’ebintu bingi ebiyinza okutulemesa, naye era obukulembeze bulina okusigala nga tebuvudde kumulamwa gwabbayibuli.

Enkola era namasima agolesebwa okuyita mukuyigiriza kwa Yesu, Okwabatume ate n'okulungamya kwa kkanisa nga bwekuli mundagaano empya.

E. EBITIBWA, OBUVUNANYIZIBWA, EBIFO N'OBUFUZI.

Abakadde.

Mululimi olungereza, abakadde bebasinga "Elder" omukadde kyekisinga okukozesebwa. Waliwo emirundi egimu bwebayitibwa abalabirizi, kino kiva mu 1 Tim 4:11,5:2. Abakadde balina okulendebwa okusinziira kuvunanyizibwa n'emiririmu, okulondebwa kulina okusinziira kungeri gyebayolesezzaamu okukula mumwoyo,okutegeera, embala era n'amaanyi gabwe mubitundi nemumaka.

Mundagaano empya omukadde wa kkanisa yalina obuvunanyizibwa era n'okulabirira buli kanyomero mukkanisa, babubulinga, bayigiriza, balungamya emirimu, bawabula, baleetanga ekigambo eky'obunnabbi, bawabulanga, bakuzanga abantu, bannennyanga, bayigiriza empisa..Ebik 4:36-37 era Bik 11:29-30, Abakadde bakwatanga ensimbi era n'obwegendereza nga begendereza obutalabikira mubutali bulambulukufu bwonna.

Mubyawandikibwa omusumba omukulu yeyandibadde omukulu wabakkadde mukibiina.

ABADINKONI(Deacons).

Bano bakulembeze abalala abogerwako mu ndagaano empya, ekigambo kino kitegeeza muwereza(servant), bwetukisa munkola zamakanisa mangi leero omudinkoni yemuntu awereddwa obuyinza okuwereza mukkanisa yaffe, naddala esookerwako, bano basobola okuba bakazi oba bassajja(Abaf 1:1).

ABATUME (Apostles).

Kino kigambo ekikozesebwa okunyonyola abantu abamu naye sibonna,mukkanisa, omutume, emirundi egimu kikozesebwa kubassajja 12 abasooka okuyitibwa okuba abagoberezi bakristo, bweyali nga akyali kunsi, naye bwetukizza mumpereza yaffe eyaleero, ekigambo kyogera kukika ky'omukkadde, omwawufu, engeri omuntu gyasobola okwaula omutume kumusumba, eri omusumba ye yewayo okuwereza mukanisa emu local church ate ye omukadde ye awereza obuwereza obugazi, luusi munsi yonna.

Obuwereza obwekitume bulina ekifo ky'omuntu, alina amagezi namaanyi okulabirira ekkanisa okusukkuluma ku kibiina ekimu oba ekkanisa eri mukifo ekimu. Obuvunanyizibwa bwabwe kwekulabirira ekkanisa mubintu by'omwoyo, okuwabula abakulembeze abalala kunsonga z'obukulembeze, obuwereza n'entegeka ya kkanisa. Era betaba mu kulonda abasumba abakulu, buli webaawo obwetaavu obw'omusumba.

Abatume betaba buterevu mu kuzza empisa mumusumba singa wabaawo ebiba bisobye, ate era n'okumalawo entalo zonna n'obutakkaanya mu b'Oluganda, mukkanisa. Emirundi mingi akakiiko kabatume kekasindika abasimbi bamakanisa, okugenda okusimba amakanisa, wadde nga kino tekiri bwekityo mu ***Apostolic churches.***

Waliwo namakaisa agamu nga Abatume bo balina okuyitibwa okulinga okwenjawulo, okusukka kuwereza mukkanisa emu, oba okuba mu kunganiro erimu, ndowooza olw'okumanyika ennyo ate n'okusimba amakanisa amangi, amakanisa agagwa mukkowe lino bagayita APOSTOLIC CHURCHES..kino sandiyagadde kikubuzebuze ne denomination oba enjigiriza yonna, naye okulaga enkola era nettutumu er'obuwereza obwekika kino. Omusumba omukulu mubuwereza buno era naye asigala nga alina amaanyi n'obuvunanyizibwa obwekitume, sikubanga nti awalina kuwereza mukkanisa ye yokka, naye era awereza mumirimu egyenjawulo mu mubiri gwa Kristo. Ekkanisa nayo emirundi egimu ebeera n'okuyitibwa okusukuluma ku mirimu gyakkanisa gyokka, kyandiba kulwensonga nti eba esimbye amakanisa mangi, oba okuva kunsonga nti balina balina oba bafunnye ettutumu lingi nnyo. Amakanisa agekika kino gayitibwa Apostolic. Omusumba wa ekkanisa akola okusukkuluma kuvunanyizibwa obwa kkanisa eyabulijjo.

F. Obukulembeza bwakkanisa buyamba mukutereza embalirira.

Obukulembeze singa buba bunnywezebwa ate nebuwebwa omukisa okukola obulungi, buyamba okukola embalirira y'ekkanisa ennungi, abantu bonna baba n'obuvunanyizibwa nga mwotwalidde n'omusumba omukulu. Snga ekkanisa eberawo nga tewali bukulembe bulambikkiddwa eremerwa, era nenkola yemirimu eremerwa. Akakiiko kalina okuwagira omusumba naye nga kafuba okulekawo, ebanga erye mbalirira. Okuwa embalirira tekikwata nnyo ku kukufuga naye wabula okukuuma okulaba nga embeera y'empisa, embeera y'omwoyo, ensimbi, era nensimbi za Kkanisa biri mumikono mirungi.

G. Okulaba nga waliwo obumu munteekateeka y'emirimu era ne mubulamu bwabantu obw'omwoyo.
   Ekkanisa ejjakwesanga ngaeffunnye obukulembeze obulungi obusimbiddwa kubyawandiikibwa nga eyita mubakkadde.Obulabirizi obwekitume, Abadinkoni. Buli kimu bwekidda mubutuufu bwakyo, okuwereeza kwonna kutukiriza ekigenderwa kyakyo, ekkanisa yonna ettambulira awamu, ebeera yamaanyi nnyo so nga ate ekkanisa etambulira wamu mumwoyo, eremerwa (Mak 3:25). Obukulembeze obuli kubyawandikibwa bunnyolwa mungeri nnyingi nnyo mubyawandikibwa. Ekimu kubintu ebiraga obukulembeze obuli kubya byawandikibwa kwekukole mu bumu. Abef 4:11-16 atuwa engeri obumu bwebuyamba okugaziya obwakabaka. Wano tulina ensonga enkulu munkola nentambuza y'ebifo by'obuwereza mukkanisa.
   - Abakadde balina okukolera wamu era bonna wamu basalawo kimu.
   - Obukulembeze obwomwoyo busobola okusigirwa, omuntu talina kutwala butwazi, oba kulondebwa, abakadde balina okulondebwa Katonda.

- Abadinkoni batekebwa olw'obwetaavu. Abadinkoni, tebalina kubaako yafiisi gyebadukanya, naye bo babeera bawereza. Abadinkino bayinza obutetagibwa okutuusa nga kkanisa ekuze okutuuka mubantu abangiko.
- Abantu abalala abakulu balina buyinza butono ddala, naye singa bwebajja awamu balina obuyinza obuwerea.

Toteeka nnyo bukiiko mukkanisa yo, kino kirina okusinziira kundaba yo obukulembeze akakiiko kabukulembeze kalina okulaba nga kafuba okuleetawo obwangu sosi kutabulatabula,  naye singa mukama akuyamba ekkanisa yo nekkula ofuba okulaba nga obukulembeze bwakkanisa tebulekebwa mabega. Singa ensonga y'obukulembeze ogigayalirilira ekkanisa tekula.

VIII. EKIBINJA EKISIMBI KYA MAKANISA(church planting team), okusomesa 60.

A. Mukama akozesa bibinja okutukirisa emirimu gye.
   1. Bwetutula ku trinity, ate eky'okulabirako.
   2. Yesu yatandika nekibinja kyabayigirizwa okumala emyaka essatu.
   3. Yesu waliwo wetuma abantu ababiribabiri.
   4. Okukolera mubibinja nkola yabyawandikibwa.
   5. Obufumbo bulaga engeri katonda gyayagalamu ebibinja.
      a. Singa omwami n'omukyala bagala okusimba kkanisa balina okuba mubumu.
      b. Mukama ayagalannyo omwami okuba omutwe awaka, embeera yamaka eyeby'omwoyo, buvunanyizibwa bwa mwami. Abaami balina okwewaayo mungeri yakwesaadaaka kulwa maka gaabwe era nabakyala baabwe.
      c. Ng'ojjeeko enkolaga yo nekatonda enkolagana yo nemukyalawo nsonga nkulu nnyo, Mukama ayagala abassajja okwagala ennyo bakazi baabwe, era okulaba nga bakula muby'omwoyo Abef 5:25-28).
      d. Waliwo emitendera gy'osobola okuyitamu okukuza amaka go buli lunaku, buli lunaku oluyitawo osobola okukuza amaka go n'obufumbo. Era nga bwolaba omulimi bwateekayo omwoyo kunnimiro ye, naye osobola okukoola amaaka go n'obufumbo bwo. Ebintu bino binna bijja kuyamba nnyo obufumbo bwo.
         - Buli lunaku musabire wamu.
         - Mukazi mujukize nti omwagala nnyo.
         - Kola yo ekintu ekiraga okuyamba mukazi wo buli lunaku.
         - Fuba okumusiima mubuli kyakola.

B. Okugendera Mukibinja kusinga okugenda obw'omu.
   1. Twawukana mubirabo, naye bwetuba bangi buli kirabo tuba nakyo(1 Bak 12:4-11), 2 Tim 4:11).
   2. Ebibinja biyamba mu kulusedi, nebwetuba nga waliwo omulimu omunene.
      a. Mbu endogoyi emu esobola okusitula obuzito bwa kilo 2000.
      b. Naye bweziba bbiri buli emu esitula kiro 4000.

   c. Naye singa zisibwa wamu ate olwo zisitula kiro 9000..
3. Saba Katonda okusobola okukuwa obuwereza obwemirundi ettaano.
   a. Ebirabo by'obuwereza bituyamba okujjayo obulungi entegeka zakatonda. Wano wolabira embala y'omuwerreza wa office okusinga okusinga ekirabo kisobola okukolera mumuntu yenna. Wanno tujja kutunulako ku Abef 4:11-13. Wano tulaba nga obuwereza obwemirundi ettaano tebuli mubuli muwereza. Kubanga ebyawandikibwa bigamba "abamu"
   b. Eky'okulabirako, omuntu singa awa obunnabbi ekyotekitegeeza nti omuntu oyo afuuse Nnabbi. Mungeri endala omuntu singa abeera mukifo eky'obusumba naye naye nga talina kuyitbwa okwekisumba, naye ayinza okuba ng'alina  ekirabo eky'okulembera ekiralala kyonna.
   c. Ekirabo kigulira ekkubo ekitibwa kiri. Kino nno tekyandikututeee nga ogenda werangirira okuba omusumba.  Singa mukama akuwa ekisa ky'okubeera omuwereza mungeri yonna. Ffe ekirabo kyo tujja kukiraba nebwoba tosobodde kweyogerera.
   d. Okutegeera kuno kwo tekutwalira tittle, naddala ez'obuwereza oba birabo , abantu aberengirira, oluusi tebaba batuufu.Abantu bangi bakozesezza bubi, yafeesi zabwe.

      Obuwereza buno obwemirundi ettaano, Birabo ebyemirundi ettaano, omuntu asobola okubutegeera obulungi nga akozesa omukono gw'omuntu.

      - Omutume- Ono asimba era nayimiriza kkanisa, ono aba musimbi wakkanisa. Omutuma asobola okutambulira mubirabo byonna, ono yengalo ensajja.
      - Nnabbi- Nnabbi muluyonaani ategeeza omulanzi, era omuntu asobola okwogera kulwomulala, nnabbi abeeranga bwolaba kamwa kakatonda, Katonda akozesa bannabbi okwogera nA'bantu be. Engalo ey'olunnwe oyo ye nnabbi.
      - Omubulizi we njiri. Ono ayaitibwa okuba omujulizi wa kristo, ono akolera ekkanisa esooka, okuleetamu abantu, olw'one bakuzibwa okufuuka abayigirizwa, asobolaokubulira nga ayita munyimba, emizannyo, okubuliira kubituuti,era nengeri endala nyingi, omubulizi wenjiri, yengalo eno eyawakati. Engalo eyo empangu eyimirira wakati mubibiina byabantu, wakati mubizibu, wadde nga bayimirira bamanyibwa abantu bangi naye balina okumanya nti bayitibwa okuwereza.
      - Omusumba- Omusumba mukuumi wabantu, omusimba omulungi awaayo obulamu kulw'endiga. Omusumba abeera mukulembeze wekibinja, abeera mufumbo eri ekkanisa; yayitibwa okubaawo buli budde mubulimbeera. Omusomesa n'omusumba bafanagana mubintu bingi nnyo. Omusomesa asimba omusingi, era afaayo nnyo okutukiriza byonna, okumannya byonna, omusumba ayagalannyo mukunonyereza(research) Omusomesa yengalo eyokuna(Pinky finger),

wadde nga erabika ng'entono era n'omugaso omutono ddala,engalo mukama yagiwa obusobozi okusima ewala mubintu ebirabika nga bigumu, okuyingira mubuziba bwekizikiza, okwakayakana, n'okusunsula ekigambo kyakatonda(amazima).
Singa okufuna obuwereza obwemirundi ettaano kizibuwala mu team yo, omusumba anasimba ekkanisa alina okufuba okulaba nga ebirabo ebyenjawulo abirina mu team, kino kijja kwanguya okutukirira abantu abenjawulo n'amuwulire gamukama waffe.

C. Okutendekera team yo kisingira ddaala okulondereza. Okutendeka ngeri emu ey'okufuula abantu abayigirizwa.
   1. Basigemu ensigo y'okusimba amakanisa basobole okukwata okwolesebwa era n'entegeka.
      a. Okwolesebwa kulina okuba okulambukufu, nga kwawuka mangu naddala ku mirimu emiru emiralala abalala gyebakola, ate nga kusikiriza.
         1. Obulambulukufu: Okwolesebwa kulina okuba nga kuwandikiddwa mungeri ennambulukufu olwo newatabaawo muntu abeera nabibuuzo oba okwemulugunnya.
         2. Okwawufu/okwawuka. Okwolesebwa kulina mungeri eyabuliwo ekwakitika kino kisobozesa abantu okwenyigira mu mubwangu.
         3. Kuwandiike mubufunze: okwolesebwa kulina okuba mubufunze, kino kiyamba abantu okutegeera amangu, ate nabo nebannyonnyola balala.
         4. Okwolesebwa kulina okuba nga kusikiriza: Okwolesebwa kulina okuba nga kusikiriza kuzzaamu amaanyi mu team, era neba mmemba abaliba mukkanisa gyebujja.
   2. Omwoyo y'okusimba amakkanisa musiga mu bamemba bonna mu team yo.
      a. Values z'omusimbi wakkanisa era ne Values the team zirina okuba:
         1. Obutakyuka naddala mukuleeta w'obumu mu team.
         2. Kiyamba okugonjoola ebizibu mubwangu ate mubumu awatali kweyawula.
         3. Wabaawo okugumira ebizibu mu team, singa wabaawo obuzibu bwonna, bammemba baguma, era tewabaawo kusala misango.
      b. Somesa values ezinnyonnyola era ezinyweza entambula y'omuntu nekatonda we, era ne values ezammwe mukusimba kkanisa.
         1. Beera kyakulabirako mukussa munkola values zino.
         2. Beera kyakulabirako nemubantu nemubulamu bwabulijjo..
         3. Ba team memba bonna bazzeemu amaanyi okussa munkola values naddaala mubulamu obwabulijjo.
         4. Okufuula abantu abayigirizwa kitwala okussaamu amaanyi n'ebiseera.
            a. Okufuula abayigirizwa sintegeka, mutendera gumu kugumu, era abantu bakula okuyita munkwatagana era nenkolagana.
            b. Yesu obulamu bwonna, amaanyi yabissa mubasajja 12, okumala emyaka 3.

c. Waliwo obusobozi bwabantu abamu okkula mubwangu okusinga abalala, abantu abamu bajja kulabika nga bakulu okusinga abalala. Naye abantu bonna betaaga okubawa ekiseera era naamaanyi.
d. Singa osaayo amaanyi matono, era nekiseera kitono okufuula abantu bo okuba abakibogwe, era amakungula gajja kumalamu amaanyi.
e. Abantu bayambe okukula mumwoyo, nabo basobole okuyamba abalala.
f. N'onnonya okuzuula ebirabo byabantu, era n'obukugu n'amagezi, abanntu bayambe okuzuula ebintu byebasobola okukola obulungi, era bawe emirimu okusinziira kubusozi bwabwe.
g. Amaanyi gabwe, abantu bo bayambe okukula okusinziira ku maanyi gaabwe.
h. Ensonga yembala nayo togireka mabega, buli lwetuba muntegeka okusomesa abayigizwa, abantu abalina ko obukugu obwenjawulo, amagezi naye nga obwesimbu tebalina era wesenga nga baleremereddwa olwempisa.
i. Okubeera nabantu abatuufu mubifo ebituufu mukuzimba team kintu kikulu nnyo, Ekibinja(team) bakola enkyukakyuka ennungi, ziva mukubeera nabantu abatufu mubifo ebituufu. Tujja kwejukiza mubino ebyatuwebwa **Dr John Maxwell**, kunsonga y'okuzimba team/ekibinja ekirungi.
    - Omuntu omukyamu n'obuvunanyizibwa obutaga = Aleeta okudirira era ojja kuvunda.
    - Omuntu omukyamu mukifo muvunanyibwa obwamaanyi= Aleeta okumalibwa amaanyi, ojja kwejjusa.
    - Omuntu omutuufu mukifo muvunanyibwa obutagasa= Atabula, aletera abaala obutamanya lwaki bawereza mukifo.
    - Omuntu omutuufu mukifo ekituufu= okulakulala, ojjakugenda maaso.
    - Abantu abatuufu mubifo ebituufu= okwekubisaamu(multiplication) buli budde muba muzzibwamu amaanyi.

OLUTALO LW'OMUMWO N'OKULUMYA ENJIRI.(Okusomesa kwa 45 min).

1. Olutalo lw'omwoyo lutekwa okubaawo..( Abef 6:12).
2. Omulabe akozesa emyagaanya mingi okulumba n'okukolawo olutalo.
   a) Mubulamu bwaffe Yak 4:7.
      1. Mumuwangula n'omusaayi gw'omwana gw'endiga n'ekigambo ky'obujulizi bwaffe. (Okub 12:11).
      2. Mukutwala obuyinza mukristo(Abef 1:20-21, 2:6) Abak 2:13-15, Luka 10:17, Mat 28:18)
      3. Nengabo ey'okukiriza era n'ekitala ekigambo kyakatonda Abef 6:16, 1 Pet 5:9, mat 4:4,7,10).
      4. Mukufuga endowooza zaffe nga tuzireta wansi w'okufuga kwa Yesu. (Bar 12:2).
   b) Mumitendera egyenjawulo mumaanyi ate nemubifo ebyenjawulo.
      1. Gabudyeri yali yetaaga obuyambi bwamalayika mikayiri okuwangula abalangira ab'omubbanga Abeperuusi. (Dan 10:11-21).
      2. Waliwo enfo ezenjawulo nga mufumbekeddemu amaanyi , ebibuga, ebyalo, n'abantu bangi bino birina okusabirwa mubwangu ddala, singa omuntu abeera akizudde(Abe 6).
      3. Saba Katonda okuwa okutegeera n'okubikkulirwa n'okulaba okw'omwoyo, okusobola okuzuula emyoyo egifugira mukitundu ekyo. Era mukama okuyamba okumanya omusajja owaamanyi afugira mukitundu(2 Bakolinso 10:4).

B Nokkolayo ekifo oba ebifo awetaaga okutuuka n'enjiri.

1. Ebifo omutali kkanisa yonna ey'omwoyo.
2. Ebifo byonna ebyeyunirwa abantu.
3. Ekifo ky'osobola okukwata buli muntu nakyagala.

C. Noonya ebifo ebirina obwetaavu.
   1. Ebifo ebirimu obwavu obungi.
   2. Ebifo ebyali mukutabulwatabulwa, naddala muntambuza ey'obulamu obwabulijjo.
   3. Mubifo omuli obulwadde abangi, abantu aberabiddwa ebifo nabantu ebiringa ebyerabiddwa.
   4. Ebifo ebikwatiridde ekizikkiza eky'omwoyo.
   5. Ebifo ebitafibwako kubanga abantu bangi bagamba nti tebirina bwetaavu bwonna.
      a) Ebifo byabagagga.
      b) Ebifo byonna ebyabannaddiini, abalangira ne bakabaka.
      c) Ebifo omusula bannabyabufuzi n'abakungu mugovernment.

D. Sooka okugenda okutuukirira abantu abatannawulira ku Linnya lya Yesu (Baruumi 15:20).

1. Yesu yajja okunnonya n'okulokola abo ababula.
2. Paulo naye atulaga lwatu, nti yali wakugenda eyo abantu abalala gyebaagana okugenda.
3. Genda eyo awali abantu abangi abalindirdde okutukirira.

E. Okuva wano okutuuka eyo kunkomerero z'ensi(Bik 1:8).
F. Okusaba n'okusiiba bikuyambe okuzuula ebifo ebinokoddwaayo.
   1. Saba okulaba nga buli kigo kitekeddwa wansi.
   2. Saba Katonda okuyiwa omukisa kubantu.
   3. Saba Katonda okuwulira emitima eginnakiriza enjiri mubwangu Luk 10:5-9, Mat 10:11-13).
G. Musokere ku bantu abatawuliranga ku njiri, mubuli kifo wemugenda.
   1. Gwe ne team yo mugabane okwagala kwa Kristo.
   2. Mutuukirire abantu mukwagala, nga mulina obulumi kulwabwe naye, temubasairira musango.
   3. Mugabane obujulizi bwamwe ng'engeri mukama gyabayambyeemu okukola omulimu omulungi mubulamu bwammwe.
   4. Mubannyonnyole engeri y'obulamu bwammwe bwebwali nga nga temunnaba kukyuka kulwa kristo.
   5. Mubalage engeri Kristo gyasobola okukyusa obulamu bwamwe.
H. Musabire Abantu. Yok 14:12, Mat 10:8).
   1. Musabire abalwadde okuwona.
   2. Musabire abanyigirizibwa okuteebwa.
I. Mulambulule enjiri ya kristo mubulambulukufu.
   1. Yesu kristo yekka ye kkubo.
   2. Musabe nabo ababuula mukwenennya, okwatula nti yesu yemukama era n'okwatula nti banaawereza nga ye yekka.
J. Abantu mubayambe mungeri ezikwatikako okusukka kunjiri.
   1. Abantu mubanirize mukkanisa.
   2. Mukole nabo emikwano.
   3. Abantu banoonya eginaaba egyensonga.
   4. Abakiriza abapya mubagulire bayibuli singa kiba kisoboka.
   5. Mubasomesa eddaala eridako mukukiriza kwabwe, era mubayambe okuyingira eddaala eridako, okuyigirizibwa okufuuka abayigirizwa.
   6. Mubazzeemu amaanyi okugabana obulamu bwaye nabantu abalala, biki Yesu byakoze mubulamu bwabwe.

MUTANDIKE OKUSOMESA ABKIRIZA ABAPYA ENGERI Y'OKUFUUKA ABAYIGIRIZWA..okusomesa kwa 60 min).

A. Team mukiseera kino ettandise okusomesa abakiriza abapya okusinzire kubumanyirivu, era n'omusumba omusimbi wa kkanisa.

B. Singa team yo eba nga yali ntono nnyo gamba abantu babiri oba omu, abakiriza abapya bebafuuka ekibinja kyo ekisooka.
C. Munteekateeka yonna, fuba okulaba nga abakiriza baon abapya obawa omukisa okusassa munkola byonna bye bayiga.
    1. Beera kyakulabirako, buli kyoyagala bakole fuba naawe okukikola(Mat 4:19). Eky'okulabirako..Kwekubulira enjiri.
        a. Ekibinja kirage engeri gjybabulira enjiri eri omuntu nga bo bwebalaba
        b. Omulundi ogudako, mukikole mwembi basobole okufuna obumanyirivu.
        c. Muyite nabo, bakola nga gwe bwolaba.
        d. Baleke bagende bakole bokka.
    2. Somesa okuyita mu statement y'okwolesebwa kwo, era ne nkola yo nga bwenabeera(values). Buli ekikolebwa mukkanisa kirina okuba kumulamwa gumu: kufuula bantu kuba bayigirizwa.
        a. Basomesa engeri y'okusomamu Bayibuli bokka nabokka.
        b. Basomese engeri okuyiga ebyawnadikibwa era n'okusaba nga bayita mubyawandikibwa.
        c. Basomese engeri y'okusaba era n'okwogera nemukama waffe.
        d. Basomese omugaso n'amakulu agali mukuwa Katonda ekitibwa nebimu ebyekkumi.
        e. Basomese lwaki tulina okuwa Katonda kubyaffe.
        f. Basomese engeri gyeayinza okuba n'amaka amalungi, era N'obufumbo obugondera Katonda.
        g. Buli muntu muwe omwaganya okusomesa, basiime, bayigirize ate obazzeemu amaanyi(Luk 10:17-20).
D. Tandika entegeka yo ey'okosomesa abayigirizwa, ng'omanyi bwennaggwa, soka kumannya kiki kyogenda okufuna,ng'omuntu akuze mumwoyo. Funa ekifanannyi ky'omuntu bwanafanana. Okuva kukifanannyi ky'olina tandika okukola entegeka, enayamba omuntu wo okufuuka omukkiriza omuyigirizwa omulungi, okuva mubuto okutuuka mukula mumwoyo. Ebintu byonna ebitekeddwa waggulu bisse munkola, noonya mukama, musabe okulungamya mungeri gy'oklamu entegeka yo ey'okusomesa abayigirizwa mukkanisa yo.

ENTEEKATEEKA GIDIN'GANE EMIRUNDI EGIWERA SINGA KIBA KISOBOSE.

A. Okusimba amakanisa n'okusomesa abayigirizwa, kutekwa okuba kitundu kubuli buli kkanisa. kino kyekigambo kyakatonda kyeyayogera eri Adamu, mugende mulye ensi yonna, era yendagaano ya mukama ne Yibulayimu, kale kino kitwala omuntu okuba nga alina okuyayaana okwokwala n'okugaziwa. Tewali kkanisa oba omukiriza eyalekebwa ebbali, mukiragiro kino.

B. Beera mukakafu nti buli lw'onoonya amaaso gamukama anakuwa okwolesebwa okujja, anakuwa amagezi era n'okulangamizibwa buli mulundi gwoddamu

okusomesa, kubanga kiba kirungi abantu bo okuba nga bakola ekintu kyemu nga nabo basomesa abalala. Nga tufuba okuzaala abakulembeze abapya, tulina okuwebwa omukisa okulembera era naffe tukule. Kisoboka bulungi nnyo abakulembeze baffe abapya okujjayo enkula era ngeri y'obuwereza bwaffe. Kino nno kyongera ettutumu mubuwereza bwaffe. Singa wabaawo abantu mukama baawa, n'ettutumu  mu ntegeka zakatonda  sanyukira wamu nabo.

C. Ekola ey'okusomesa abayigirizwa omutume Paulo, gyatulaga mu 2 Tim2:2) erina emirembe ena oba n'okusingawo.

1. Paulo..Omulembe/ omugigi ogusooka eri Timuseewo (2Tim 2:2)(gwakubiri).
2. Timuseewo eri  Abasajja abesigwa(gwakusatu)
3. Abasajja abesigwa okutuuka eri abalala( Ogw'okuna).

D. Ensonga lwaki entegeka y'okufuula abayigirizwa tyayimiriziddwa.

1. Okusimba ekkanisa empya yenkola essinga okuvaamu ebibira era n'obulungi. Abantu bangi bayinza okukiriza Yesu ku lukungaana lwenjiri, naye 80% bayinza okusigala mubanga olwokulwa ekkanisa eziayamba okukula. Kirungi ekkanisa okuba nga erina entegeka ennungi ey'okufuluma ebweru, naye nga ekkanisa yesoose okusimbibwa.

2. Ekkanisa empya eretera abantu ekifo awali obuyambi bwakatonda, era n'okulera abantu nga bakula. Kanisa ziyamba okulangirira amawulire amalungi eri abantu abanyigiriziddwa(Luk 4:18-19). Wadde nga okuwa obuyambi kintu kirungi naye tekulina kubikka kukubulira ngiri yamukama waffe. Embeera y'abantu eyomwoyo nsonga nkulu nnyo okusinga ekintu kyonna ekiralala(Mak 8:36).

3. Ekkanisa singa ennywezebwa eyamba ekkanisa endala ento okuyimirira. Ekkanisa singa ebannywevu, eba erina omukisa okusimba ekkanisa endala, era nebeera ekifo eky'okunyweza obwakabaka bwakatonda.

4. Singa wabaawo ekibinja ekinywezeddwa, kisobola okusaba, okuyamba, okuwa amagezi era n'okuwabula kkanisa ento eyakasimbimbibwa. Era nga bwolaba abazadde bwebayamba okutegeka abaana baabwe nga tebanaba kuyingira munsi, e kkanisa ento esobola okuyimirira ku buyambi bwa kkanisa enkulu, ekkanisa enkulu erina okwetegeka okubeera ngeyamba ekkanisa ento mubintu by'omwoyo buli bwebaba betaaze.

5. Ekkanisa ezisimba/okuzaala amakanisa, zisikuula embeera y'omwoyo mubitundu mweziba, munsi yonna abantu bagala ebipya, era nabagoberezi

bakristo nabo bagwa mukiti kino. Ekkanisa empya ekyamusa ekitundu, era ereta enkyukakyuka mubulamu bwabantu obwomwoyo.

6. Okuzaala amakanisa kuleeta okwala/okwekubisamu, era eno yenkola esinga okuba ennungi ey'okukuza kkanisa. Okwala kuno kuva munkola ey'okwekubisaamu. Buli muwereza yandibadde anoonya enkola ey'okwaza ekisibo kye. Okwala kwekisibo, kwanguwannyo sing aba team member bawebwa omwagaanya okukola nga buli omu ng'obusobozibwe bwebuli.

## XI. EBINTU KKUMI EBIKOLE EBINNYWEZA EKIBINJA EKISIMBA KKANISA.

(Okusomesa kwa 30 Min)

1. Okusaba. Okusaba okwamaanyi kulina okuzalibwa mubakulembeze abato, nga kuva kumusumba omukulu, mukiseera ky'okuyigiribwa nga abayigirizwa. Okusaba y'ensibuko yamaanyi gakatonda, era singa muba banafu nekkanisa zikona, ekivaamu ziremererwa.

2. Okubuliira nnyo enjiri yakristo. Okubulira enjiri nsonga nkulu nnyo, buli kintu kyonna ekikolebwa kirina okuyitamu obubaka bwenjiri yakristo. Abantu balina okubuliira obujulizi bw'obulamu bwabwe nga bajulira Yesu engeri jakyusizzaamu obulamu bwabwe, obugabirizi,okuwonnya, okuyamba, okuzzaamu amaanyi nebiralala, era nempisa zabantu biyamba okuzzaamu abantu amaanyi.

3. Okusalawo- Ekkanisa zirina okusimba amakanisa mungeri gyezasalawo, sosi ngeri yakugwibwako, okusimba kkanisa kulina okuba muntegeka. Ekibinja ekisimba kkanisa kirina okutandikibwawo ate nekikuumibwa, nga ba memba bonna balina omutima ogwagala ate n'enkola ennung'amu. Okukuza abakulembe abapya buli budde, okunoonya n'okusabira ebifo ebipya buli budde, okutandikanga amakanisa amapya buli budde, bino byonna birina okuba nentegekka ennung'amu ate nga bigoberera entegeka.

4. Okukulembeza ekigambo kyakatonda. Bayibuli, yerina ensomesa yokka erina okugobererwa,munkola era nemubulamu bwenyini. Ebyawandikibwa birina okufuga mubuli kintu, okuva kunjigriza ya Bayibuli, kuletawo mubwangu okutabuka, enjigiriza enfu, nekidirira kugwira ddala/okulemerwa.

5. Abakulembeze. Abakulembeze abawansi balina okuba nga baamaanyi, buli kkanisa esimbiddwa ettekwa okukuza abakulembeze baayo. Abakulembeze balina okukuza abakulembeze bulungi, nabo basobole okukulembera obulungi abalala.

6. Abakulembera kkanisa Abamaanyi; Abantu bonna abali mukkanisa batunulirwe ng'Abawereza, buli kkanisa yonna erina okutuyimusa era n'okukuza abakulembeze nga baamaanyi—tewatekeddwa kubaawo bantu batukuvu kusinga baanaabwe. Abef 4 kino akilambula bulungi nnyo. Kino nno tekitegeeza nti buli muntu ali mukkanisa olwo anaatuulanga butuzi kukkanisa biseera bye byonna, bano bawereza mubiseera ebitegeke, kino kyekitegeeeza, buli muntu alina okuwereeza nga obusobozibwe bwebuliri. Buli bwafuba okuleeta enkyukakyuka mu kifo kye kino kiretera kkanisa okugaziwa mubwangu.

7. Ekkanisa z'omumaka mayumba/cell churches. Wanno ebizimbe tebyetagisa, ekkanisa effayo nnyo kukufuluma bweru, obuwereza obusinga obungi bukolebwa bweru wakizimbe oba mubifo awasisinkanibwa. Okufuluma kyekimu kubintu ebitukakasa nga obuwereza tubukola nga yesu bweyabukolanga. Era eno yengeri y'okutukriza omulimu gwekitume Yesu gwe yalagira (Great commission) okubulira enjiri tekulebwa mubisenge byakkanisa, kubeera wabweru kubanga eyo wewali abantu.

8. Ekkanisa enzimbi yakkanisa- Okuzaala kutuli musaayi, ng'ojeeko okwagala okutuuka eri abantu abangi, ekkanisa ensimbi yamakanisa eri okusiga ensigo eno mubaana baayo(DNA) nekibeera mu busimu nemubusomyo. Abantu bangi bagamba nti kkanisa nga erina ekigendererwa eky'obutazaala makanisa, naye tekirina kutulirwa,singa omuntu anakola okwolebwa kwe okwabalala akulekera ddala, abalala neabakola.

9. Okuzaala okwamangu. Enyonta eyokwagala okutuuka eri abantu abuula mubwangu. Abagoberezi bakristo balina okulaga obwetaavu obw'okutuuka eri abantu ababula mubwangu. Kino kijja kulabika mukuzaala okwamangu ddala, okwamakanisa.

10. Ekkanisa nga nnamu yeyagala: Ekkanisa ennamu bulijjo ebeera nebigendererwa bino ebikulu nnyo..Okusinza. okubulira enjiri n'okuluma ebweru(missions). Okusimesa n'okufuula abayigirizwa, okuwereza n'okung'ana. Bino byebiyamba okufuula ekkanisa ennamu, nga mugaso ate nga ekula, bino nno era bireeta ekkanisa okuzaala amakanisa amalala era n'okwagala.

EKKANISA MUBIFO EBYALUKALE..NGA MUBUTALE(okusomesa 45 Min. Entegeka ekola nnyo mubitundu ebitandise okuyimukamu mu ebibuga era ne mubibuga ebyakula edda, omusumba era nekkanisa balina omulimu ogwamaanyi wano. Ekkanisa essukkawo nnyo mukubeera abantu abasisinkana kulunaku olwa Sunday, abantu abakung'ana mukatale balina okuyamba ekkanisa okweyongerayo,

singa bababasomeseddwa. Ekkanisa singa eba nga nnamu erina okubeera nababaka mubuli kifo, munsi yonna.

A. Omugaso gw'ekkanisa okussa amaanyi mubutale
   Okunnyola akatale, ebifo ebya lukale. Akatale kifo ekirina abantu abangi, era ngawaliwo obusubuzi obugenda maaso, kiyinza okuba essomero, offisi ey'omukulu wa gavementi, mungeri ennyangu twandigambye akatale kyekifo kyonna ebweru wekkanisa.
   - Twawebwa omulimu gw'okulya ensi oluberyeberye 1. Okulya kuno kutwaliramu nebifo byalukale, okukuuma ebintu byonna mukama byeyatonda kulwo okumuddiza ekitibwa. Olub 1:28-30.
   - Twawebwa omulimu gwenjiri(Great commission), era twatumibwa okufuula bantu abayigirizwa mumawanga gonna. Mat 28:18-20; Makk 16:15.
   - Okukola omulimu gwamukama kika kyakusinza Mukama, singa omuntu akolera mukatale konna alina okuba nga ayimusa mukama mumulimu gwe, A.W. Tozer. Omuntu kyakola siyensonga naye lwa akikola, ekyokyekifuula omulimu gwe okuba omutuufu mumaaso gamukama oba okuba ogutali mutukuvu.

Ebintu musanvu ebifugibwa obuwangwa.

Ebintu bino musanvu byebintu ebisinga okuba ebikulu mubuwangwa bwa buli muntu. Bino byebifuga endowooza zabantu z'abantu mu buli kitundu. Mukama atuyita okukyusa obuwangwa bw'abantu, naye nga ebintu byonna ebyogeddwako waggulu, bifuga endowooza era emirundi mingi, biremesa abantu okutegeera n'okukiriza kristo. Olusi sisonga oba obufuzi obwekika kino buva eri katonda oba nedda, ekikulu kiri nti buwa obuyinza n'amaanyi eri abo abafuga obwengula era n'ensozi. Tulina okufa okulaba nga tuyimusa abantu abatya Katonda okutwala obufuzi mubintu bino:

1. Muby'obufuzi.
2. Amaka.
3. Ebyenjigiriza.
4. Ekkanisa.
5. Emikutu gyamawulire.
6. Okusanyusa abantu/ enyimba nemizannyo.
7. Eby'obusubuuzi.
8. Siyansi ne tekinologiya.

Oby'obusubuuzi gwemutima ogutamba ebintu byonna ebiralala omusanvu ebyogeddwaako waggulu. N'olwensonga eyo tulina okulaba nga obutale bulimu abantu abatya Katonda, Mukama ali munteekateeka okulaba nga ensi yonna eriwamu. Katonda mungeri eno mukama ayunga abantu bensi zonna mungeri etalabikanga wantu wonna. Wanno tuwereddwa omukisa okulaba nga naffe tukyusa abantu.

B. Abasumba be balina okuzimba abantu era ekkanisa kyekifo abantu mwebalina okuzimbibwa.
   1. Kkanisa kyekifo mwetulira. Omulimu omukulu ogw'omusumba era omusomesa, kwekutegeka abantu bakatonda okuwereza Abef 4:11-13).
   2. Ekifo kyakatale kifo kya mission nnyo!. Tusobola bulungi okuyigiriza abantu b'omukatale okubeera abaweereza mukama, era kino kigaziya obwakabaka bwakatonda. Kimanyiddwa nga abasubuzi bebantu abasinga okusisinkana abantu abasing obungi buli lunaku, okusinga omusumba.
   3. Amakungula go wegali,naye abakunguzi batono ddala(Luk 10:2).
   4. Omulimu omukulu kwekutegeka abakulembeze okusobola okutwala okuyitibwa kwabwe okwongerayo, obwakabaka bwakatonda. Abantu bonna balina okusomesebwa era nabo basomese abalala, tukola abayigirizwa abalikola abayigirizwa.
   5. Abantu bwebayungibwa ku kkanisa, ekigendererwa, kwekulaba nga bakkiriza mukama, ate nebafuna obusobozi okusobola okyusa abantu eyo gyebava. Okusobola okyusaba ebitundu, n'okugaziya obwakabaka bwakatonda okusukka kkanisa. tunulako munkola yo eyokufuula abayigirizwa ng'omukisa okukwatagana nabantu era okubayamba okuba n'obusobozi okukwata kubantu gyebakolerera.
      Abantu bonna munsi balina ebibuuzo bino.
      - Nsobola ntya okogabirira abantu be nju yange.
      - Nsobola ntya okubeera mu ddembe nabantu bange.
      - Nsobola ntya okubeera mu nkolagana nabantu bange.
      - Ekitunda mwembeera kisobola kitya okutuwa obukuumi, obwenkannya, era n'okusobola okukola obusubuuzi.

Abakulembeze ab'obwakabaka bebokka abasobola okuyamba abantu okusobola okudamu ebibuuzo ebyo. Kitwetagisa okusitula abakulembeze abatya katonda. Okukuzza abusubuzi abatya katonda kintu kikulu nnyo.

C. TUNAYIMUSA TUTYA ABASUBUZI ABATYA KATONDA.

Abasubuzi bayigirize okuba abavubi babantu.

Mukuvuba balina okukozesa eddobo n'ekkissi nga bituufu ate nga birungi. Ebyenyanja byo tebikyusa ngeri gyebilyamu. Abakulisitaayo balina okunoonya engeri yonna ey'okubamu bulamu obulungi kunsi kuno. Obusubuzi byebimu kubintu ebigenda okutuyamba okutukiriza okuyaayana okw'okuba mubulamu obulungi, kino kissi kirungi nnyo. Ekigambo kyakatonda tulina okukikozesa obulungi mubulamu bwaffe naddala eyo mubantu gyetuba.

Okutendeka abantu b'omubutale kiyamba nnyo okusobola okukola obulungi omulimu gw'okuvuba abantu. Mutendeke abasubuzi okusobola okulabira mubyawandkibwa, mubuli kizibu kyonna kyebasanga mubulamu.

Bayigirize obuwereza bwomukatale(ensimbi, enguzi, emikwano mukatonda era n'obukulembeze).

- Kukituuti mukkanisa.
- Mubibinja ebitono.
- Mubitundu gyebabeera.

Abayitiddwa okuba abasubuuzi bayigirize ate obazeemu amaanyi.

- Abantu bayigirizibwa okukola mukkanisa era nemububinja obutono.
- Abasubuuzi basabire bateekeko emikono era basindike okuwereeza mukatale. Nga omusumba era omukulembeze olina okuzimba enkolagana.
- Saalawo okusisinkana abasubuuzi okuva mukibinja kino, mubiseera ebitegeke.
- Basisinkane kina omu, mubifo byabwe mwebakolera.
- Kubabagannya ebirowoozo era musale amagezi kubizibu byebayitamu eyo mukatale. Naddala mukuwereza katonda mukatale.
- Fuba okuyamba abakulembeze b'omukatale okulaba, okulowooza okusobola okutegekkanga obusubuuzi, era n'obuwereza okusobola okubeerawo emirembe. Fuba okubaako ky'oyiga okuva eri abakulembeze bano abomukatale.
- Byebakolera mukatale era nebirowoozo byabwe biwe omukisa okutuuka mulukiiko olukulembera n'okukola emirimu gya kkanisa.
- Mubeeko obusubuuzi bwemukola nga kkanisa, mukole nebwenkanya, ate n'amagezi, era nabantu bonna.
  Ebintu n'omutima gwolina okwewala.
- Okutwala obusuzi bwammwe nga ekintu ekiriwo kulwo kung'anya ensimbi.
- Okulowooza nti okukola sente sikwabwakatonda.
- Obutesembereza basubuuzi.
- Okwerimbika n'okubba abantu.

D. Tusuubira ebivaamu okuba ebya mmaanyi.
   1. Abantu bakatonda bajja kututandika okusimba obwakabaka bwakatonda mubifo gyebakolera.
   2. Abantu bajja kutandika okukola amaduuka ne bizinensi ennyingi ddala.
   3. Abantu bajja kutandika okung'anya ensimbi ezikola emirimu, era mubigendererwa bya katonda.
   4. Ekkanisa ezinasalo okufuuka amatendekero g'abakulembeze zija:
      a. Kufuna abakkiriza abakuze mumwoyo.
      b. Kufuna omugendo gw'abayigirizwa mukatale, nemubifo bingi ebyalukale.
      c. Ettutumu mubibuga byabwe nemubitundu gyebava.
      d. Abantu ababuula bajja kusikirizibwa okuyingira mukkanisa.
      e. Obwakabaka bujja kutuuka eri abantu bangi okussukuluma kubisenge bya kkanisa.
      f. Okukula mumwendo nemubyensimbi

g. Gawayise akaseera obulamu bwabantu obw’omwoyo bujja kukyuka, era munsi abantu bajja kukula mumpisa n’obuntubulamu, obwenkannya bujja kweyongera, era abantu bajja kulakulalana.

5. Omusumba asimba kkanisa ayitibwa okuyamba abantu bonna okuba n’amazima okubayamba okuba omunnyo n’ekitangaala mubifo gyebabeera.
   - Fuba okulaba ng’obulira kubutale, ensimbi, omirimu mukkanisa yo.
   - Fuba okulaba nga obusuzi nawe obwenyigiramu nga kkanisa ate era omuwereza kyokka kola n’obwenkanya. Saba abantu abamanyi obusubuzi okukuyamba abo abali mukkanisa yo.
   - Obusozi buno obufugibwako ensi eno fuba okulaba nga abakkiriza bo balina bwebatuddeko, kulw’obwakabaka bwakatonda.